OKUNONYEREZA KU BUSOBOZI OBUGUNJIDWA

OKUNONYEREZA MU BUFUNZE

EKITONGOLE EKIKOLA KU BAKYALA ABATUNDA AKABOOZI - BA "NEKOLERA GYANGE" MU UGANDA

Mu mwaka 2011, entegeka ya ***"Bridging the Gaps"*** ng'eyambibwako Gavumenti y'obuDaaci yatandika entekateeka ey'okukola ku bantu abakyasinze okuba mu katyabaga okufuna obulwade bwa mukenenya – ***"key populations"***. Enteekateeka eno ekola ku by'obulamu n'eddebbe ery'abantu bano: abakyala abaganza bakyala banabwe, abaami abaganza baami banabwe, abantu abawulira nga obutonde bwabwe bwanjawulo Kw'obwo bwe bazaalibwa nabwo (obuwala, obulenzi), abantu abakozesa ebiragalalagala ebitamiiza, abasajja abanyumya akabozi ne basajja banabwe, abantu abatunda akaboozi nga mu Uganda bayitibwa ba "nekolera gyange"; awamu n'abantu abalina akawuka ka mukenenya. ***"Bridging the Gaps"*** ekola mu nsi kkumi na taano (15) era ng'ekolebwako ebitongole mwenda (9) omuli: Aidsfonds; AFEW International; COC Netherlands; MPact Global Action for Gay Men's Health and Rights; Global Network of People Living with HIV; the Global Network of Sex Work Projects; International Network of People Who Use Drugs; International Treatment Preparedness Coalition; and Mainline. Uganda y'emu ku nsi entekateka eno mwekola, era okuva mu 2011 okutuuka 2019, ekitongole kya Women's Organisation Network for Human

HEARD

HEALTH ECONOMICS AND HIV AND AIDS RESEARCH DIVISION

Working to advance health equity in Africa

© HEARD 2020

Rights Advocacy (WONETHA), ekikola ku bakyala abatunda akaboozi - ba ***“nekolera gyange”*** mu Uganda kyekimu ku biganyudwa mu nteekateeka eno. Okutunda akaboozi mu Uganda Kimenya mateeka. Newankubadde nga abakyala abetunda - ba ***“nekolera gyange”*** beebamu ku bantu kati abaweebwa omwanjo mu ntekateka ezikwata ku kulwanyisa obulwadde bwa mukenenya, basigadde nga bakyali mu katyabaga ak’okutusibwako ebisago okuva ku baami n’abakyala ababagula, abakuumi b’eddembe, ne mu bifo mwebabeera.

Entekateka ya ***“Bridging the Gaps”*** erubirira okuyamba ku ntekateka y’ensi yonna ey’okumalawo obulwadde bwa mukenenya mu mwaka 2030, ng’etuukiriza ebigendererwa bisatu: Ekigendererwa ekisooka kwe kulaba ng’ebitongole bya nakyewa biwaliriza Gavumenti z’ensi mwebikola okulaba nga bafaayo ku bantu bano abasinga okuba mu katyabaga okufuna obulwadde bwa mukenenya – ***“key populations”***; ekigendererwa ekyokubiri kwe kulaba ng’eddembe ly’obuntu ery’abantu baffe – ***“key populations”***, lissibwamu ekitibwa, nga era terirnyirilwa yadde okutyobolebwa. Ekigendererwa ekyokusatu kwekukendeeza bungi bwabantu abafuna akawuka ka mukeneenya, n’okwettanira ebyobulamu obulungi. Ebibiina by’obwanakyewa bitwalibwa nga bya nkizo nyo mu kulafubanira eddembe n’ obulamu bw’abantu baffe bano – ***“key populations”*** era n’olwensonga eyo entegeka eno eya ***“Bridging the Gaps”*** ky’eva etwala ebibiina bino nga bikulu nyo era n’eyagala ebiteeke ku mwanjo mu mulimu guno.

Mu mwaka 2017, ekitongole kya Health Economics and HIV and AIDS Research Division (HEARD), ekikolera mu ssentendekero lya, “University of KwaZulu-Natal” esangibwa mu Durban, South Africa, nga kikolaganira wamu n’ekirala “Aidsfonds” baatandika okukola okunonyereza ku busobozi obugunjidwawo mu bitongole bino ebyanakyewa nga buva ku mirimu gy’entegeka ya “Bridging the Gaps”. Okunonyereza kuno akwakolebwa wakati wa 2018-2019, kwalubirira okumanya busobozi ki obuvudde mu mirimu gyentegeka eno, era nga buyambye okutumbula emirimu gy’ebitongole by’obwanakyewa, okusobola okutukiriza bigendererwa bya ***“Bridging the Gaps”***.

Okunonyereza kuno kwalimu okutunulira ebitongole bina (4) ebitambulidde mu ntegeka ya ***“Bridging the Gaps”***. Ekitongole kya WONETHA kyali kimu ku ebyo ebyalondebwa mu Uganda olw’omulimu omunene gwekikoze mu bakyala ba ***“nekolera gyange”*** ate era n’okutuukiriza ebigendererwa bya ***“Bridging the Gaps”***.

Abaanonyereza baakozesa enkola eyitibwa ***“Outcome harvesting”*** nga bakunganya ebirozoozo. Enkola eno yasunsula ebintu ebisinga obukulu ebyatukibwako WONETHA mu myaka esatu 2016-2018. Abaabuzibwa mwalimu akakiiko akafuga ekitongole kya WONETHA – “BOARD”, abakozi ba WONETHA, ba memba ba WONETHA, n’ebitongole eby’enkizo ebikola ne WONETHA nga mwe mwali ebyo ebikola ku ***“key populations”***, ebya Gavumenti, n’ebitongole ebiwi bya ssente. Ebitabo n’ebiwandiko ebikwata ku mirimu gya WONETHA nabyo byekennenyebwa. Ebyava mu kononyereza byazzibwayo mu bantu bano okukubaganyizibwako ebirowoozo, ate oluvanyuma n’okukanyizibwako.

Mu kunonyereza mwavaamu ebintu ebikulu kkumi (10) ekitongole kya WONETHA byekyatwala nga byekyasinga okufunamu obuwanguzi mu bbanga ery’emyaka esatu 2016-2018. Ebintu bino ekkumi bigwa mu mitendera ena omuli: Okukolera awamu ne ba ***“nekolera gyange”*** awamu ne ba Memba ba WONETHA; Okutumbula WONETHA ng’ekitongole; Okukolera awamu n’ebitongole ebirala ebikola ku ba ***“nekolera gyange”*** ne ***“key populations”***; n’Okukolaganira awamu n’ebitongole ebirala okukyusa engeri ba ***“nekorera gyange”*** gye bayisibwamu amateeka agakwata ku ddembe lyabwe ery’obuntu, n’obulamu bwabwe. ***Ebintu ebikulu ekkumi – ebyayoleka obuwanguzi WONETHA bweyafuna mu bbanga ery’emyaka esatu byebino:***

Obuwanguzi obwava

- Enkyukakyuka mu by’obulamu n’embera z’abakyala ba ***“nekolera gyange”*** awamu ne ba memba ba WONETHA.
- Okusomesa abakyala ba ***“nekolera gyange”*** emisomo gy’obukulu – “FAL.”
- Abakyala ba ***“nekolera gyange”*** naddala abakozi ne ba ***“Peer Educators”*** ba WONETHA okweranako okusoma, okusobola okutuukagana n’omutindo gw’okuwereza WONETHA.
- Entegeka ya WONETHA ey’emyaka etaano eyayamba WONETHA okuteeka essiira ku kutumbula - ***“Advocacy”*** n’okugaziya emirimu gyayo mu nsi.
- WONETHA okusobola okukola okunonyereza kwayo okwasooka ku mbera y’okusosola mu bakyala ba “nekorela gyange” abalina akawuka ka siliimu.
- WONETHA okusobola okutuuza obulungi enyo olukungana lwa Uganda okuteesa ku bikwata ku mirimu gy’abakyala ba ***“nekolera gyange”***, yadde ng’enkiiko ezekika kino zaali tezikirizibwa.
- WONETHA ng’ekolera wamu n’ebitongole ebirala okusobola okukola obubaka obutangira abakyala ba ***“nekolera gyange”*** okufuna obulwadde bwa mukenenya, era bino nebisembebwa ekitongole kya Gavumenti ya Uganda ekya ***“Uganda AIDS Commission.”***
- WONETHA okutandika entekateeka y’okutumbula obusobozi bwa ba Maama ba ***“nekolera gyange”*** okubasobozesa okulera abaana babwe obulungi, awamu n’okuyamba okubudabuda abaana bano.
- WONETHA okugaziya emirimu gyayo ng’eyita mu nkolagana yayo n’ekitongole ekikola n’ensi ez’enjawulo ekya “Baylor” awamu ne Gavumenti y’America.
- WONETHA okutumbula okumanyika kw’abakyala ba ***“nekorera gyange”*** awamu n’ebintu ebikulu gyebali. Kino WONETHA yakikola ng’eyita mu kukiika ku bukiiko bwa Gavumenti obwenjawulo

Obuwanguzi buno bwonna bwayoleka nga WONETHA bwetutte ekifo eky’enkizo mu mirimu gya ***“key populations”***. Okuva WONETHA lwe yatandika emirimu gyayo, elafubanidde okuyimusa omutindo gw’abakyala ba “nekolera gyange”, naddala abo abakolera ku ngudo nga bano beebasinga okuba mu katyababaga. Wano amaanyi ga WONETHA we gesigamye! Ng’ogyeko ekyo, abakyala ba ***“nekolera gyange”*** abasinga okukola enyo n’okwagala emirimu gy’ekitongole, baafuuka bakulembeze ba banabwe – ***“peer educators”***. Bano beekozemu omulimu gwamanyi okwetumbula mu by’engigiriza n’okufuna obukugu.

Okuva ku musingi guno, tulaba nga bino byona era bwebuwanguzi bwa WONETHA mu kutakabanira oby’obulamu n’eddembe lyo’buntu ery’abakyala ba ***“nekolera gyange”.*** Ekitongole era kyongera okulaba nga emirimu gyayo gyeyongera mu bitundu bya Uganda ebyenjawulo. Okunonyereza era kwongera okwoleka nga WONETHA bw’etakoowa kuyiga yadde okukula mu mulimu gwayo. Okutuuka ku bino, WONETHA ekozesa ensimbi n’obukugu okusingira ddala, okuva mu ntegeka ya ***“Bridging the Gaps”*** awamu n’obuyambi okuva mu bitongole ebirala ebigikwatirako. Abakozi ba WONETHA kino bakikkaatiriza n’ebigambo bino nti: “Entegeka ya ***“Bridging the Gaps” ye WONETHA***,” ekyoleka nti entekateka eno naddala essiira yalyo ku kutumbula obusobozi bw’ekitongole kya WONETHA bibadde bya nkizo nyo mu nkulankulana ya WONETHA n’okutuuka olwaleero.

Era tulaba nga okunonyereza kukasa engeri WONETHA gy'ekolamu buli lunaku, okulwana okutuukiriza ebirubiriwa byayo, era n'enkyukakyuka gyeyetaaga mu bakyala ba ***"nekolera gyange."*** Oyinza okusuubira nti enkola ey'okunonya, okufuna awamu n'okukuuma obusobozi birungamizibwa ebyo byerubirira okutuukako – ***"Strategic Plan"***, naye ekyo si bwekiri.

Okunonyereza kutuwa okulaba engeri enkolagana ya WONETHA n'entegeka ya ***"Bridging the Gaps"*** bwebilabika okuba mu biseera ebyomumaaso, naddala mu busobozi bwa WONETHA. Entegeka enungamu, nga yesigamizidwa ku ntegeka ya WONETHA, era ng'erimu ebisubirwa okutuukibwako ky'ekimu kubisinga obukulu okutwala omuli guno mu maaso. Naye, WONETHA ng'ekitongole ekikulemberwa era ekidukanyizibwa abakyala ba ***"nekolera gyange"***, kirina okusalawo engeri gye kinagenda mu maaso n'okulafubanira abakyala ba ***"nekolera gyange"*** nga mu kiseera kye kimu bwekirowooza ku kugaziya n'okulungamya emirimu gyakyo mu biseera abyomumaaso.

Mu kuwunzika tukilaba nti WONETHA si kitongole kya bulijjo era kya nkizo nyo! Kirina okusalawo n'obwegendereza engeri gye kiduukanyamu emirimu gyakyo!

HEARD

BRIDGING THE GAPS
Health and rights for key populations

WONETHA